# Minisita alaze obukulu bw'obujjanjabi n'okusoma ssaayansi

MINISITA w'ebyobulamu e Mmengo, Cotilda Nakate akubirizza abazadde okusikiriza abaana baabwe okusoma amasomo ga ssaayansi.

"Ndi musanyufu nnyo okulaba nga tulina abakugu okuva e Canada nga bazze okujjanjaba abantu baffe naye ate njagala okukubiriza abazadde mwenna okulaba nga mwagasiza abaana baffe okusoma amasomo ga ssaayansi tulekere awo okulindirira abakugu okuva mu nsi endala," Nakate bwe yagambye.

Nakate okwogera bino yabadde aggulawo olusiisira lw'ebyobulamu ku ddwaaliro lya St. Joseph Hospital erisangibwa e Mpunga mu Wakiso Town Council, mu disitulikiti ya Wakiso ku Lwokubiri.

Ekibinja ky'Abazungu 25 okuva e Canada be bagenda okujjanjaba abantu abalina enkovu ku mibiri gyabwe n'abaana abalina emimwa gya nnakimu.

Nakate yatenderezza Kabaka Ronald Muwenda Mutebi olw'okuleeta abakugu bano okujjanjaba abantu be kubanga obujjanjabi obw'ekika kino bantu batono ababusobola kubanga bwa bbeeyi. Yakubirizza abantu okukola dduyiro, okugemesa abaana baabwe n'okulya emmere ennungi okusobola okubeera n'obulamu obulungi.

Akulira eddwaaliro lya St. Joseph Hospital, Dr. Nicholas Mugagga yagambye nti, olusiisira luno lwakumala ennaku musanvu ng'abantu bafuna obujjanjabi ku bwereere. Dokita eyakulembedde ekibinja kino okuva e Canada, Kimit Rai yategeezezza nti, baakajjanjaba abaana ba nnakimu 100 n'asuubiza okujjanjaba abasingawo mu nnaku omusanvu we zinaggweerako.



Minisita Nakate ng'ayogera eri abazadde. Mu katono ye, Dr. Mugagga.